The Regional Coordinator - LVEMP II Civil Society Watch Project of the East African Sustainability Watch Network, (C/o UCSD) Nsambya - Kabalagala(Gaba Road),
P. O. Box 27551 Kampala (Uganda) Tel: +256 414 269 461, Email: Ugandacoalition@infocom.co.ug, www.easuswatch.org

The National Coordinator (C/o UCSD), Nsambya - Kabalagala (Gaba Road)
P. O. Box 27551 Kampala (Uganda) Tel: +256 414 269461 Email: dmwayafu@ugandacoalition.or.ug, www.ugandacoalition.or.ug

CDD WATCH IN KATONGA RIVER BASIN UGANDA

Ekiwandiiko Nnamba 1. (Emu) Ekilondoola n'okukuwa Amawulire agakwaata ku Ppuloojekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu mu Bitundu awayita Omugga Katonga.

Uganda Coalition for Sustainable Development

Sustainable Environment Development Watch (SUSWATCH KENYA)

Tanzania National Focal Point

The Regional Coordinator - LVEMP II Civil Society Watch Project of the East African Sustainability Watch Network, (C/o UCSD) Nsambya - Kabalagala(Gaba Road),
P. O. Box 27551 Kampala (Uganda) Tel: +256 414 269 461, Email: Ugandacoalition@infocom.co.ug, www.easuswatch.org
The National Coordinator (C/o UCSD), Nsambya - Kabalagala (Gaba Road)
P. O. Box 27551 Kampala (Uganda) Tel: +256 414 269461 Email: dmwayafu@ugandacoalition.or.ug, www.ugandacoalition.or.ug

Ekiwandiiko kino kikoleddwa oluvanyuma lw'okwekkenneenya embeera awamu n'enkulakulanya ya ppulojeekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu (Community- Driven Development (CDD) sub type projects). Eno y'emu ku ntekateeka y'ekitongole kya Lake Victoria Environmental Management Project Phase II (LVEMP II) mu Rakai ne Mubende district mu bitundu awayita omugga Katonga mu Uganda.Okwekkenneenya kwatongozebwa ekitongole ekya East African Sustainability Watch Network (EA SusWatch Network) era nga y'entabiro y'ebibiina binnakyeewa ebisangibwa mu Uganda, Kenya ne Tanzania. Ebibiina bino birina eggwandikiro lyabyo mu kitongole kya Uganda Coalition for Sustainable Development (UCSD) e Kampala mu Uganda.

Okwekkennenya kuno kwakolebwa nga y'emu ku ntekateeka ya ppuloojekiti eya (EA SusWatch Network's LVEMP II Civil Society Watch Project). Ppuloojekiti eno erafuubana okulaba nga ebigendererwa bya Lake Victoria Environmental Management Project (LVEMP II) ne East African Community Climate Change Policy (EACCCP) bituukirizibwa.

Ekitongole kya LVEMP II ye ppuloojekiti ya mawanga agegattira mu mukago gw'ensi ettaano ezisangibwa mu bugwanjuba bwa Africa. Ensi zino ettaano z'ezigabana era nga zebalamye ekitundu omuli ennyanja Nalubaale abasinga gye bamanyi nga Victoria. Ppuloojekiti ya LVEMP II etaba ensi ttaano era nga erina ebigendererwa bya mirundi ebiri nga byesigamiziddwa ku nkulakulana.

Ekigendererwa ekisooka, kwe kwongera amaanyi mu kukolaganira awamu n'okwekwanya okusobola okulabirira n'okukozesa obugagga obutonde obusangibwa mu kitundu omuli ennyanja Nalubaale. Ate ekigendereerwa ekyokubiri, kwe kukendeeza ku kwonoonebwa kw'obutonde bw'ensi naddala mu bitundu ebyettanirwa ennyo nga y'emu ku ngeri y'okutumbula omutindo gw'embeera y'abantu eyesigamiziddwa ku bugagga obutonde obuli mu kitundu kino.

Ppuloojekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu (Community- Driven Development (CDD) sub type projects), zigenderera okukendeeza ettaka okulugguka olwa mukoka alitwala. Era nga kino kikolebwa nga beyambisa enkola ennungi ate ey'obuwagaazi ekuumira amazzi muttaka n'okukugira ettaka okukulugguka.

Enkola eno esuubirwa okuleetawo enkozesa ekekkereza n'obutayonoona mazzi awamu n'okwongera ku bulungi bw'omutindo gw'amazzi agasangibwa mu kitundu omuli ennyanja Nalubaale. Era nga kino kiba kirungi nnyo eri abaantu abasangibwa mu bitundu emigga gye gikulukutira.

Ebikoleddwa Ppulojeekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu (Community- Driven Development (CDD) mu bufunze, okutuuka mu mwezi gwa September 2013

Ekika kya Ppulojeekiti nga bwe ziri mu kiseera kino mu:	Kenya	Tanzania	Uganda	Total
Ppuloojekiti eziwedde nga zisigadde kwekebejjebwa ziri	-	10		10
Ezikoleddwako ebitundu 50% ziri	90	86		176
Ezikoleddwako ebitundu ebissuka ku 50% ziri	3	26		29
Ezikiriziddwa NTSC / NPSC naye nga tezinatandika kukolebwa ziri	129	28	66	223
Omuwendo gwa Ppulojeeki ezawaayo okusaba nga balindiridde okwanukulibwa ziri	0	0	0	0
Omugatte (Total)	**222**	**150**	**66**	**438**

Byafulumizibwa: LVBC, 2013

Okwekkenneenya embeera awamu n'enkulakulanya ya ppulojeekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu (Community- Driven Development (CDD) sub type projects), kwakolebwa wakati w'omwezi gwa July ne August 2013 nga kwesigamiziddwa ku kunoonyereza okwakolebwa mu 2012 n'ekigendererwa ky'okutandikawo ppulojeekiti entonotono (Community- Driven Development (CDD) sub type projects), mu bitundu awayita omugga Katonga mu Uganda.

Ekiwandiiko kino (LVEMPII CDD Sub-projects Watch No.1) okutwalira awamu kigenderera okusaawo obuwaandiike, okugabanya awamu n'embeera esobozesa abantu okuyiga basobole okuganyulwa ennyo mu ppuloojekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu (Community-Driven Development (CDD) sub type projects), mu banga ppuloojekiti eno ly'enebeera mu bitundu omusangibwa emigga gino esaatu ssaako nebitundu ebirala LVEMPII mwesangibwa.

Okwekkennenya kuno kwakolebwa mu kitundu omuli omugga Katonga mu ggombolola y'e Kyebe n'eKagamba eziri mu Rakai district awamu ne ggombolola y'ekitenga n'eKiyuuni mu Mubende district. Okwekkennenya kuno kwesigamizibwa ku kunoonyereza okwakolebwa UCSD mu 2012 okwagenderera okulondoola embeera y'enkulakulana ya ppuloojekiti zino.

Enkola eyeyambisibwa mu kunonyereza yesigamizibwa ku mbeera awamu ne'miwendo era nga kino kyasobozesa okwekkennenya ekinyusi ekiri LVEMP II awamu ne ppuloojekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu (Community- Driven Development (CDD) sub type projects). Mwalimu okukunganya ebirowoozo by'abantu nga bali mu bubinja, abantu bassekinoomu, okukuba ebifananyi ,n'okukwaata amaloboozi g'abantu abasangibwa mu bitundu awayita omugga Katonga.Okwekkennenya kuno kwesigamizibwa ku bantu be bagenda balondola mu kunoonyereza okwasoka (baseline) nga LVEMP II ppuloojekiti tenatandika. Balondola abantu okuva mu gavumenti ez'ebitundu ssaako naabo abasangibwa mu byaalo gyebabeera. Abantu bano baatuukirirwa nebebuuzibwako era ebirowoozo byabwe ne byeyambisibwa mu kwekkennenya kuno.

Ebikulu Ebyava mu kwekkennenya kuno

Okusinziira ku alipoota ya LVEMP II ey'omwaka omulamba okuva mu July 2012 okutuuka nga June 2013, wano mu Uganda, enkulakulana ya ppuloojekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu (Community- Driven Development (CDD) sub type projects), ekoseddwa nnyo olwokuba nti Bbanka ye'Nsi yonna (World Bank), yawera era nga nabuli kati ekyatadde envumbo ku nsimbi eziweebwa ppulojeekiti zino.

Nabwekityo, okwekkennenya okwakolebwa e Rakai ne'Mubende okusinga kwesigamizibwa nnyo ku ntekateeka egobererwa mu kusalawo ekika kya ppuloojekiti entonotono eziba zikolebwa, embeera enezisobozesa okubeerawo, okusomoozebwa okuliwo, awamu n'okukunga abantu okwetaba mu nteekateeka eno.

Kyategezebwa nti ebyava mu kwekkennenya biraga nti okulima emmere ey'okulya, gwe mulimu ogusinga obukulu okwesigamiziddwa obulamu bw'abantu ababeera mu district zino zombi (Rakai ne Mubende). Kino kyeyolekera mu muwendo gwabantu 83% (ku buli kikumi) e Rakai ne 98% e Mubende abaagamba nti okulima gwe'omulimu gwabwe omukulu.

Abantu ebitundu 98% e Rakai bategeeza nti bamanyi ebifa ku ppuloojekiti ya LVEMP II, newankubadde nga ebitundu 67% be baali bamanyi emirimu egikolebwa LVEMP II, ssaako n'egyo ppuloojekiti eno gyeteekamu ensimbi. Abantu ebitundu nga 83%, mu Mubende district nabo bategeeza nti bamanyi LVEMP II, wabula ebitundu 33% bokka naddala nga baami, be bamanyi emirimu egikolebwa LVEMP II, ssaako n'egyo ppuloojekiti eno gyeteekamu ensimbi. Abantu abakugu bassekinoomu abaawa amawulire agakwata ku ppulojeekiti eno, bonna bategeeza nti bamanyi emirimu egikolebwa, ssaako n'egyo ppuloojekiti eno gyeteekamu ensimbi mu district zombi. Ppuloojekiti entonotono ezalondebwa z'ezino; okulunda Ebyenyanja, Embizzi, Ente, Embuzi, okusimba emiti, n'ebyobulambuzi.

Ppuloojekiti zino abantu zebalonda okukola neyolefu nadddala mu Rakai District. So nga ate omulimu gw'okulunda ente gusinga kweyoleka nnyo mu Mubende district. Enkola eya SACCO, ssaako n'okulembeka amazzi agava mu nkuba ze ppuloojekiti entonotono ezisinga okwettanirwa ennyo. Mu district zino zombiriri, abantu bali bulindaala nga balindiridde okufuna ensimbi eziweebwayo LVEMP II,olwo nno balyoke bongere amaanyi mu kukulakulanya ppuloojekiti zaabwe.

Abantu nga ebitundu 83% abaatuukirirwa nga okunonyereza kuno kukolebwa, e Rakai ne Mubende district baategeeza nti bamanyi emitendera egigobererwa mu kusalawo n'okusoosowaza ebika bya ppuloojekiti entonotono ezitandikibwaawo abantu (Community- Driven Development (CDD) sub type projects), eziba zikolebwa.

Abantu ebitundu 58%, mu district zombiriri, bategeeza nti ku ntandikwa ya LVEMP II ,bafuna okusomesebwa awamu n'okutendekebwa. Wabula bemulugunya nti baatendekebwa olunaku lumu lwokka, era omusomo guno tegwanyikira bulungi.Okunonyereza kuno kulaga nti kyandibadde kirungi ppuloojekiti entonotono ezitandikibwaawo abantu (Community-Driven Development (CDD) sub type projects), zidukanyizibwe wansi wentekateeka y'ebibiina ebitandikibwawo abantu mu bitundu gye babeeera (Community-based Organization - CBO). Naddala ebibiina ebyo ebisomesseddwa, n'okusobola okwezimba nga bayambibwako gavumenti n'ebitongole ebitali bya gavumenti ebikola obwannakyeewa n'ebikulakulanya abantu.

Kyategezebwa nti ebibiina ebitandikibwawo abantu (Community-based Organization - CBO) ebiri mu district zino zombiriri bikolera ddala bulungi, bitebenkevu era bammemba babyenyumirizaamu. Wabula, akakwakkulizo k'okusooka okusasula ensimbi z'obwamemba, omuntu alyoke afuke mmemba omujjuvu owa CBO, kafuuse omuziziko era kalemesa ppuloojekiti zino entonotono okufuna bammemba ,n'obuteyoleka, ssaako n'obutakulakulana.

Kyategezebbwa nti waliwo ebibiina ebitonotono ebisobodde okutandikibwawo nga bammemba bekunganyamu sente, bakozesa amaanyi gebalina, bawaayo ettaka,ssaako n'okuwaayo okumanya kwe balina era nga beetegefu okugenda mu maaso okuwagira enkulakulana y'ebibiina byabwe.

Newankubadde mu bisaanyizo bya LVEMP II mulimu akakwakulizo akagamba nti abantu bannanyini ppuloojekiti entonotono zino balina okubaako kyebawaayo ku byetaagisa bya ppuloojekiti zino, kyategezebwa nti bammemba abamu bye bawaayo byaali bisusse ekkomo ery'ebitundu 10%, erirambikiddwa mu biwandiiko bya LVEMP II. Abantu basuubira nti baakuddizibwa byebawaddeyo naddala ebisukkulumye ku kkomo ery'ebitundu 10%. Kyategezebwa nti abantu abeetaavu ennyo ssaako n'abakotogeddwa bakirizibwa okwegatta ku bibiina bino ebitonotono (CDD groups). Wabula abantu abali mu mbeera eno tebaweebwa nkizo yonna yadde okufiibwaako mu ngeri eyenjawulo.

Kyeyoleka nti abantu baafuna era ne mukiseera kino bakyafuna okukalubirirwa olw'okubanga entekateeka egobererwa okuyisa n'okusalawo ebibiina ebikiriziddwa, ya kaweereege, yeetaaga ensimbi nnyingi ate n'obukugu obwenjawulo. Abantu baalagirwa, okuwaayo okusaba kwabwe mu biwaadiiko ebirambikiddwa obulungi mu mbeera ey'obukugu. Abantu baakalubirirwa nnyo olwokubanga,tebaalina kumanya yadde okuba n'obuyivu obumala. Ebiwandiiko birina okusooka okuyisibwa gavumenti ez'ebitundu (local government), n'oluvanyuma biryoke biyisibwe egwandikiro lya LVEMP II eriri e Ntebe.

Okumanya kw'abantu abategeera obulungi enkozesa y'ettaka ennungi ate nga yabuwangaazi kukyaali kutono. Kyategezebwa nti waliwo obutakwatagana oba obutakolagana bulungi wakati wabakugu abali ku district abavunanyizibwa ku kutambuza emirimu gya ppuloojekiti ya LVEMP II. Kino kyeyoleka naddala olwokuba nti omukugu ow'ekitongole kya NAADS, owa Production, awamu navunanyizibwa ku by'obuvubi mu Mubende District abagamba nti tebeyambisiddwa mu ntekateeka za ppuloojekiti ya LVEMP II.

Ebisembebwa, okusinziira ku bikolebwa LVEMP II

Okusinziira ku kwekkeneenya kuno, EA SusWatch Network ewa amagezi ku byetaagisa okukola era nga bikolebwa ebitongole bino wamanga;

Egwandikiro (LVBC / Regional LVEMP II Secretariat)

- Egwandikiro likulemberemu mu kukola entekateeka eyongera amaanyi mu ku gabanya ebyo byonna ebikwata ku LVEMP II mu nsi ettaano ppuloojekiti eno mwekolera emirimu gyayo. Kirungi okulaga ebyo byonna ebikoleddwa obulungi ennyo, okwanukula ebibuuzo eby'enjawulo abantu byebabuuza entakera, okusomoozebwa okusangibwa, awamu n'engeri y'okuvvunuka okusoomozebwa okuliwo. Mu bisobola okukolebwa muyinza okubaamu okweyambisa emikutu gy'ebyempuliziganya. e

gibuna ensi yonna (website, social media), okukola n'okufulumya akatabo akalimu amawulire agakwata ku ppuloojekiti ya LVEMP II (newsletter) ne mungeri endala ezisoboka.

- Ebiwandiiko ebyenjawulo ate nga byamakulu nnyo era nga bikoleddwa ppuloojekiti entonotono (CDD-type sub-projects), bivvuunulwe mu lulimi olunnansi era kirungi abantu bakubirizibwe ssaako okubaagazisa okubisoma. Ebiwandiiko ebyogerwako mulimu ekirambika entambuza y'emirimu (Operation Manual), ekikwaata ku byetaagisa okukola okusobola okulondoola Ekiddo ekiri ku nnyanja, (Water hyacinth Surveillance) awamu n'ebyo ebyeyambisibwa okulondoola n'okutuukiriza ebirina okukolebwa ppuloojekiti ya LVEMP II.(Monitoring and Control Strategy).
- Okukola era n'okussaawo endagiriro erambikka ppuloojekiti zino entonotono okubeera nga zirina entekateeka efaayo ku kulwayisa ekizibu kye'nkyukakyuuka mu mbeera y'obudde bw'ensi ekivuddeko okutataaganya obulamu bw'abantu, naddala abasangibwa mu byaalo ssaako, n'ebikoleddwa okukuuma obutonde bw'ensi.
- Ekweteekateekera APL 3 kukolebwe bunnambiro kisobozese okuwaayo ebiseera ebimala okwebuuzaganya awamu n'ebyo abantu byebasobodde okuyiga mu LVEMP II, ssaako n'okufuna engeri y'okukwatamu ebigwaawo gamba enkyukakyuuka mu mbeera y'obudde bwensi, okukendeera kwebifunibwa mu by'obuvubi, n'okutumbula enkozesa yebika byamaanyi (energy) ey'obuwangaazi okusobola okutangira okwonoona ensibo y'amazzi.

Abantu, Ebibiina by'abantu ebitonotono, n'eBinnakyeewa (NGO's ne CSO's)

- Kyetaagisa okussaawo enkizo n'embeera ey'enjawulo okusobola okuyamba abantu abeetaavu ennyo awamu naabo abakotoggeddwa naddala okufaayo ku byebalowooza okukola, entekateeka y'okufuna obwammemba mu bibiina ebyenjawulo,okuweebwa byetaagisa okukola ppuloojekiti zino, n'okubasobozesa okwetaba mukusalawo ku nsonga eriwo, kubanga be bamu ku batunuuliddwa okuganyulwa muntekateeka za LVEMP II
- Okutumbula enkola ey'okugabana amagezi , okussaawo enkola eyabulikiseera emanyisa abantu oba okubawa amawulire amasu agakwata ku LVEMP II. (okulaba nti amawulire gano gategerekeka bulungi kabe kasinge bwekiba kyetaagisa nga gavvuunulwe mu lulimi olunnansi). Kino kijja kusobozesa okuziba emyaganya gy'obutafuna mawulire egiriwo mu kiseera kino. Kuno kwoggatta okwekkenneenya okukolebwa abantu naddala nga beeyambisa eby'empuliziganya gamba ebitongole -byamawulire, mu nkung'aana awamu n'emikutu gy'ebyempuliziganya egyenjawulo egibuna ensi yonna.
- Okuwaayo amagezi ag'ekikugu awamu n'okweyambisa obukugu abantu bwebalina mu ntekateeka y'okutandikawo ppulojeekiti entonotono ezatandikibwaawo abantu (Community- Driven Development (CDD) sub type projects). Gamba okwongera amaanyi mu nzirukanya y'ebibiina bino, okweyambisa amagezi agaweebwayo abalimisa, awamu n'okutendekebwa okusobola okufuna obukugu obwenjawulo.
- Okwagazisa abantu okwetaba mu kulondoola Ekiddo ekiri ku nnyanja, (Water hyacinth Surveillance), n'enkola ey'okulondoola n'okutuukiriza ebirina okukolebwa ppuloojekiti ya LVEMP II.(Monitoring and Control Strategy) olwekigendererwa ky'okufuna obuwagizi bwa'bantu, ku bikolebwa ebyenjawulo ku mutendera gw'ekitudu kyonna (regional), ssaako omutendera gw'egwanga (National), awamu ne ku muntendera gwa gavumenti ez'ebitundu n'okutuukira ddala mu byaalo.

ENDS